

19th July 2015.

OBUMU BWA YESU KRISTO NE KATONDA KITAFFE.

Yokaana 10: 22 – 42.

Ebyawandiikibwa bye tumaliriza nabyo essuula yaffe eyekkumi byaaliwo mu biro by'embaga y'okutukuza kwa yekaalu, etaali emu ku mbaga z'omumateeka ga Musa mu Baleevi, wabula eyatongozebwa oluvannyuma lw'okuddizibwa kwa yekaalu n'okusinza kw'amu eri Abayudaaya, nga omu ku batabani ba kabona Mattiya awangugge olutalo olw'amaanyi oggoba Nnakyemalira Kabaka Antioka Epifani Omusuuli eyali yawamba Isirairi n'agifuga n'obukambwe obuyitirivu obwamuvvooza ne Yekaalu, n'ayimiriza n'okukomola kw'abaana ab'obulenzi, mu 170BC. Era mu 164 BC. Oluvannyuma lw'okwegugumba okw'amaanyi Abayudaaya baddizibwa Yekaalu nebakola emikolo gy'oggitukuza ng'abiri mu ttaano omweezi gwa Kislev, gyetuli kaakano mu December, era ogukyaakuzibwa nga Hannukah, ogubaawo ffe lwe tугyaguliza Christmas, gwe bayita embaga y'amataala.

Yesu asisinkanwa abakulembeze b'eddiini nga bafuba okufuna kye bamulumirizaamu okumuttisa kwe ku mw'ekkaliriza, ssi nti yali tababuulidde...

Yababuulira lwaatu ne batakkiriza, ssi nti tebaawulira;

Nti Ye yali avudde mu ggulu (3:13, 6:38)

Nti buli amukkiriza aweebwa obulamu obuttaggwaawo (3:15)

Nti ye mwana wa Katonda ow'enjawulo(5:19 -23)

Nti yajj'okusala omusango gwa buli omu (5:19 -23)

Nti buli omu agwaanidde ommuwa ekitiibwa ng'ekiweebwa Kitaffe Katonda(5:19-23)

Nti ebyawandiikibwa byonna by'ogera ku yye.(5:39)

Nti kwekw'olesebwa kwa Katonda Kitaffe gyebali mu butuukirivu. (7:28,29)

Nti buli kiseera asanyusa Katonda era tayonoona mu kyonna. (8:29,46)

Nti yatumwa Katonda mu ngeri ey'enjawulo. (8:42)

Nti nga Ibrayimu ttannabaawo Yyaliwo. (8:58)

Nti ye yali Omwana w'omuntu eyalangibwa Daniyeeri.(9:37)

Nti ajjakuzuukizibwa mu bafu. (10:17,18)

Nti y'emmere/omugaati gw'obulamu (6:48)

Nti y'ekitangaala ky'ensi. (8:12)

Nti ye mulyango (10:9)

Nti ye Musumba omulungi (10:11)

Era tosobola ggamba nti mw'ebyo byonna tebalina kye bataawulira ku yye ekyandimufudde Masiya era Kristo.....

Kale oba baalina ekisobu ku matu gaabwe, ate Ebikolwa bye yabakolamu okkakasa nti Mukama yeyabimusobozesa, okubeeyanjulira.....

Nny. 26 – 29.....

Kwe ku baasanguliza kalumannyweera....nny.30 – 33

Gwe gwaali omulundi ogw'okusatu nga bamulondera amayinja okumutta okusenziira ku mateeka ga Musa mu Baleevi 24:16, era balemesebwa amaanyi ge.

Kuluno abaggirayo Zabbuli 82:6, nti oba Katonda mwennyini yayita abalamuzi obulamuzi bakatonda, ate olwo Omulamuzi Ssabalamuzi akakasizza ekitiibwa kye bw'aneeyita Omwana wa katonda anaaba atya oyo avodde.....

Obumu bwe yeeyita okuba ne Katonda bwe bwaali obumu obw'embala sso ssi nti ye ne Kitaawe bali kimu, oba wamu...

Gye yadda okwebalama Abayudaaya gye beyongera okumukkiririzaamu, naye ng'alindirira ekiseera kituuke mwa gwaanidde okutuukiriza okuggya kwe kungsi.